**08th May 2016.**

# ENDAGAANO YA MUKAMA KATONDA ERI NUUWA.

**Lubereberye 9:1-17.**

Nga bwe twaaleka tulabye mu ssuula 8, waaliwo okuddizibwa obuggya ku nsi ng'amataba gawedde, n'amazzi gakalidde ku ttaka.
Era mu kusiima Mukama ne ssaddaaka ey'okweebaliza ekisa kye eri Nuuwa n'ab'enju ye, Nuuwa we yawa Mukama omukisa, nga bwe twaabuulirwa mu 8:21…, Ne Mukama naawa Nuuwa omukisa ogweyongerwaayo ne mu ntandikwa z'essuula 9, mwe yakola naye n'endagaano, ey'okumubaza awamu n'ezzadde lye, okumugabiriranga, awamu n'okubakuumanga.
Nga mu bino byonna ndaba ng'essira liri ku bweesigwa n'obw'esimbu bwa Mukama, ne gyetuli mu biro byaffe abamukkiririzaamu nga II Kkol. 1:20 bwe lugamba nti, "Kubanga mu byonna byonna Katonda bye yasuubiza, mu oyo (Yesu Kristo) mwe muli weewaawo: era mu ye kyetuva tugamba Amiina, Katonda atenderezebwe mu ffe."
[*Tusome 9:1 – 17…*]

Eno ye yali emu ku ndagaano omunaana ezikolebbwa Mukama okusiinziira mu byawandiikibwa bye ebitukuvu, nga ye yali ey'okusatu eri omuntu/ abantu.
Waaliyo ey'omu Adeni eri Adamu ne Kaawa. (Lub. 2)
Ne wabaayo eri Adamu ne Kaawa nga boonoonye. (Lub.3)
Ne wabaayo eno eri Nuuwa. (Lub. 9)
Ne wabaayo eri Ibulayimu. (Lub. 12)
N'eri Musa. (Etteeka). (Kuva 20)
Ne wabaayo n'eri Isiraeri(Eggwanga). (Kyamateeka Olw'ok. 30)
N'eri Daudi Kabaka. (II Sam 7)
N'endagaano empya. (Baeb.8). (Ezek 36,37)

Mukama ye Katonda omulamu akola endagaano era azikuuma olw'obwesigwa bwe era obw'esimbu bwe.
Endagaano buba bweyamu obukwasaganya entabagana.

Endagaano eno yalina embala ttaano.

- Yava eri Mukama. Ye yagileeta n'agikola ku lulwe.
- Yali ya lubeerera (lnny.16)
- Yatwaaliramu obutonde bwonna bwonna (lnny.10)
- Eno yyo teyaliiko kakwakkulizo konna. Ekyaalaga ekisa kya Mukama ekiyitirivu.
- Yakakasibwa n'akabonero. Musoke (Rainbow).

Mu byonna kitugwaanidde okumanya n'okulaba Mukama Katonda waffe okuba omulungi ennyo, ajjudde okwaagala, era ow'amazima, lubeerera.
Olwo ne tumwesigisa obulamu bwaffe bwonna lubeerera, nga tumukkiririzaamu mu Yesu Kristo nga bwe twaalabye mu II Kkol. 1:20 "Kubanga mu byonna byonna Katonda bye yasuubiza, mu oyo (Yesu Kristo) mwe muli weewaawo: era mu ye kyetuva tugamba Amiina, Katonda atenderezebwe mu ffe."

Era kye kitaatukooye kuba mulanga eri bonna wonna okumumanya, kubanga wadde talizikiriza nsi na mazzi, kyokka ate ateeseteese olunaku lw'elizikirizibwa n'omuliro nga bwe tukakasibwa mu II Pet. 3.
Era nga bwe kyaatuukirira eri Nuuwa nga yesu bwe yagamba, n'era kilituukirira, n'olw'ekyo tweeteeketeeke.